**335/2**
**LUGANDA**
**Paper 2**
**2024**
$2^1/_2$ hours

MATIGO EXAMINATIONS BOARD

LUGANDA

**Olupapula olwokubiri**

Okusoma bwino, okufunza n'ebyobuwangwa

Essaawa bbiri n'ekitundu

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu* **bisatu**: **A**, **B** *ne* **C**.

Awamu mulimu ebibuuzo **bina**.

*Ebitundu* **A** *ne* **B byabuwaze**.

*Mu kitundu* **C** *mulimu nnamba* **bbiri.** *Kolako nnamba* **3** *oba* **4**.

*Ddamu ebibuuzo* **bisatu** *awamu*.

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa tebijja kugololwa*.

*Ebyokuddamu biwandiike mu mpapula ezikuweereddwa*.

*©2024 Matigo Examinations Board*

# EKITUNDU A

1. **Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo.**

Oluwummula olwali oluwanvu terwalwa ne luggwaako nga n'ebyava mu bigezo birangiriddwa nga Muweyu bwe yali omu ku abo abaali basooloobye ku bannaabwe mu bigezo bya ssiniya eyomukaaga era nga ye omu ku baayingira mu Ntikko Yunivasite akasozi k'abayivu. Ng'akyali mu siniya ey'omukaaga ku Makoba ss, yakeera nga kusaba, okusoma ennyo ebitabo n'okwebuuza ku bayizi banne abaali bamusingako nga n'abasomesa tabasudde muguluka. Mu biseera bye eby'eddembe yeetabanga mu mizannyo egyenjawulo asobole okwemalako ekiwuubaalo.

Yayingira Yunivasite nga musanyufu era ng'asuubira okusanga eddembe mu bayizi banne ne Yunivasite okutwaliza awamu Olwo nga Gavumenti yemuweerera essomo ly'okubalirira lye yatwala olw'okuyita obulungi ebigezo bya siniya ey'omukaaga. Naye eky'amuggya enviiri ku mutwe ng'omusomesa by'asomesa bigulibwa nansimbi, n'obwediimo bw'abayizi obutatadde olw'ensonga ezibaluma okwo saako ensimbi ezisabibwa abayizi nga tebazitegeera kyezikola.

Amasomo agaasomesebwanga abayizi nga ga njawulo ate nga mazibu. Obutafaananako ne mu masomero aga wansi omusomesa gye yajjanga mu kibiina n'abuuza abataliiwo era abo nga bakubuuzibwa gye baba balaze, eyo mu Yunivasite si bwe kyali abasomesa tebafa ku bayizi. Omuyizi ateekwa okwekubiriza yekka n'agenda awasomerwa.

Mu ngeri y'emu ng'omuyizi yeenoonyeza by'ayagala okufunza okuva mu ebyo ebimusomesebwa, so si musomesa ku bimuteera ku lubaawo nga bwe kiri mu masomero amato. Abayizi nga bamaze okumanyiiragana baatandika okwekolamu obubiina obwenjawulo obulungi n'obubi okusinziira ku ebyo ebibasanyusa oba bye bettanira mu kuyiga

kwabwe.Muweyu yali afunye akabiina k'abayizi be yakubaganya nga nabo ebirowoozo, ebikwata ku byokubala. Naye ate banne oluusi baakolanga ebintu ebitali bituufu.

Yagezaako okubakubiriza badde ku nsonga eyabalinnyisa akasozi Ntikko naye bo baalema okuwuliriza nebagenda nabyo mu maaso. Ekyavaamu bwe baabanga bagenda okukubaganya ebirowoozo baamutolokangako oluusi ne bagenda mu bidongo n'okugula bamalaaya bwatyo n'asigala yekka.

Obwomu bwamuluma, naye yafunanga ekikubagizo buli lwe yasomanga essaala n'okwebuuza ku bayizi be yasangangayo abaamuwa ku magezi g'okumalako emisomo gye. Yagezaako okweyunga ku kabiina akalala naye yagenda okulaba nga bali mu kinywero kya mwenge bwatyo nabeekutulako.

Muweyu yalowoolereza eyajja okusoma ate okudda mu bbaala wamma byamusobera era n'alayira obutanywa omwenge nti abanywi b'omwenge baamutama. Baatandika okumutuuma amannya mangi nga gano: omulwadde, Njuki, Lugezigezi, munnaddiini kasoma n'amalala naye nga teyeefiirayo kuba yali amanyi ennaku ye. Bayizi banne bangi baamwesambanga nga kwotadde n'okuwaayirizibwa mu bintu ebiwerako.

Naye ate baayagalanga nnyo abeere mu ttiimu zaabwe ez'emizannyo egye njawulo ng'okusamba omupiira n'okuvuganya okutali kumu, kuba yalina ebitone ebyenjawulo. Baamuyitanga "kabi ddiba kalungi nnyama". Yatendebwa nnyo omutima ogw'emmizi era ogusonyiwa, nga talina n'omu gw'asibira busungu.

## Ebibuuzo

a) Mukwano gwo amalirizza Siniya ey'omukaaga era yeesunga kunyumirwa bulamu bwa Yunivasite. Weeyambise ekitundu ekyo kyosomye omubuulire okusoomoozebwa kwayolekedde.

b) Mutoowo agenda kusoma busawo mu Yunivasite e Makerere. Sinziira ku kitundu ky’osomye omuwe amagezi aganaamuyamba okuwangula ddiguli y’obusawo.

c) Ggwe olondeddwa okukulembera Ntikko Yunivasite. Sinziira ku nneeyisa y’abayizi mu kitundu ky’osomye olage amateeka gogenda okuteekawo aganaayamba abayizi okusoma obulungi.

d) Ku kyalo kyammwe kuliko omwana wa siniya yakusatu alina ekirooto ky’okusoma okutuuka mu Yunivasite naye bazadde be tebalina ssente zimuweerera era essuubi limuweddemu. Weesigame ku kitundu ky’osomye omuwe amagezi aganaamuyamba okutuukiriza ekirooto kye.

## EKITUNDU B

2. Mukwano gwo ayagala kutandikawo mudaala gwa ngoye mu katale akali mu kitundu kyammwe. Weeyambise ekitundu kino ofunze mu bigambo nga 100 okusoomozebwa kw’asaana okwetegekera mu ekyo ky’ayagala okukola.

Omuntu yenna singa abeera akubuuzizza ekigambo katale ggwe oyinza okumuddamu otya?. Abamu nno bakeeyitira akaawamu, ak’omubuulo, Nalubabwe n’amalala mangi. Bano bannaffe abawangaalira mu kibuga Kampala bayinza obutamanya mannya ago kuba bo bamanyi gano: ak’ewa Kisekka, St Balikuddembe, oba Owino, Nakasero, Nakawa n’amalala.

Abantu bangi beegomba okukolera mu butale nga balowooza nti ssente eziri eyo ttomooni nebatamanya nti akatale nnoga ya lumonde eramira ow’omukisa. Kyova olaba nti obutale bubaamu omujjuzo ogulemesa n’abantu okutambula obulungi. Bwotuuka mu butale n’olyoka olaba abantu nga bayisigganya nga ba bigwo “faasi faasi n’afuuka faasi faasi” era oyinza okwejjukiriza nga bakutomedde.

Okulekaana be baana baliwo mu butale obusinga obungi. Kuno okusinga kuwulirwa mu batunzi b’emivumba gy’engoye mpozzi n’engatto enkadde. Baana balenzi bakoloobye ennyimba ng’ogamba nti kivvulu

kyova olaba nga yafuuka ngombo mu maka agamu okubuuza buli aleekaana oba ewaka ayitawo katale.

Abatunzi tebakoma ku kulekaana kwoka naye n'okusika abantu bajje babaguleko.N'olaba omuvubuka ng'asikaasikanya nnamukadde ali ku makubo ge ng'amuwalabanya amuguze engatto. Abamu batuuka n'okubalemerako nga balowooza lwebanaagula naye kibabuukako nga tebaguze.

Mu biseera by'enkuba teweegomba kuyitako mu katale olw'obukyafu obuva mu mukoka akulukuta n'abantu abasambirira ebisooto. Ye nekakutanda n'otambula omulambaalo weekanga osaabadde ebitoomi ng'omulabi ayinza n'okulowooza nti ova kusotta budongo.

Abasazi b'ensawo babeera mu keetalo ng'oyinza n'okulowooza nti bawooza ba musolo anti buli gy'odda osisinkana bavubuka abeefuula okuba abaguzi kumbe banoonya bya kunyakula. Ate munnange ekyewuunyisa, n'abakozi b'omubutale babeera babamanyi nga naye tebasobola kulabula bayise ku bikolwa by'abavubuka abo.

Oba okyali ku ebyo abempooza nabo ne bayingirawo n'obutabo bwa lisiiti ng'oyinza okulowooza nti waliwo abawenduddde. Engeri gyebawoozaamu abatundira mu butale e kulowoozesa nti babayambako okubawa ensimbi zebasuubuza anti babasolooza babalaalika n'okubalaalika okubaggyako emidaala gyabwe.

Ekisinga okuntama mu butale be beetisi b'emigugu abatomeza abantu n'emigugu nebatabasaasira nako nga bafa kimu kya kutuusa migugu gyabwe mu sitoowa. Lumu mba mpiseeko mu katale St Balikuddembe, kwe kulaba omuvubuka omu eyali yeetisse omugugu mu butanwa oba mu bugenderevu yakoona omukazi omukadde n'agwa ennume y'ekigwo n'azirika wabula ye neyeeyongerayo.

Ebyo nga bikyali awo okufuna ekifo w'okolera oba omudaala mu katale konna oyina kusooka kukwata mu nsawo n'obaako koowa abakulu mu katale ako. Bwotokikola weekanga tofunye mudaala

wokolera anti nga abategeera embeera ey'omu butale baawaddeyo ekyoja mu miro.

Kansembyeyo bakalittima abatasaasira basuubuzi nebakkira emmaali yaabwe ne bagiteekera omuliro.Negyebuli eno nkyebuuza omuntu abatuma okukola ekikolwa ekyo eky'ekko era bwaba gyali nsaba omukama katonda amubeere era amuwe omutima omusaasizi eri abakolera mu butale.

## EKITUNDU C

**Ddamu ekibuuzo kimu ku bikuweereddwa wammanga.**

3. Ogenze ne mutoowo okulaba ku Jjajjaawo mu luwummula era mu musanze anyookeza nsuwa n'ebikuta by'amatooke ebikalu. Mutoowo talabanga ku nsuwa era akubuuzizza omugaso gw'ekyo Jjajjamwe kyanyookeza. Wandiika omutegeeze ky'akusabye.

## Oba

4. Mubadde mulaba mawulire ku Terefayina (TV), Kabaka wa Buganda n'akuutira abantu okukuuma n'okutereka obulungi emmere yaabwe basobole okuyita mu kyeya ekisuubirwa omwezi ogujja. Nyonnyola engeri abantu gyebayinza okuyita mu kiseera ekyogeddwako.

***Bikomye Wano***